## 1 Katonda agamba nti olina ebizibu eby'omutawana/eby'okufa 3 eby'ekibi

1 Omutima ogw'obujeemu era omubi ogulinga ogw'esalambwa.
•Zabbuli 58:3-4
•Yeremiya 17:9

2 Omutima omukyafu okufanagana enziina ezigubagubanye n'omusayi.
•Abafiripi 3:8
•Isaaya 64:6

3 Oli mubulamu obw'okweyagaliza wekka na wekka era obw'okuzikirira nga bwabutwa.
•Yakobo 3:8
•Abaruumi 3:10-13

Katonda akugamba:suula wala nawe ebyonoono byo byonna by'oyononye;wekolere omutima omugya n'omwoyo omugya. Lwaki gwe okufa? Senyumiririza mukufa kw'omwononyi. N'olwekyo kyuka obe mulamu.
Ezeekyeri. 18:31-32

Lugnada

## 2 Katonda asubiza eby'okudamu 3 eby'ekisa

**Ezekyeri 36:25** Era ndibamansirako amazzi amalungi, era muliba balongoofu: ndibalongoosa mu mpitambi yammwe yonna ne mu bifaananyi byammwe byonna. 26 Era ndibawa n'omutima omuggya, ne nteeka omwoyo omuggya munda mu mmwe: era ndiggya omutima ogw'ejjinja mu mubiri gwammwe ne mbawa omutima ogw'ennyama. 27 Era nditeeka omwoyo gwange munda mu mmwe, ne mbatambuliza mu mateeka gange, era mulikwata emisango gyange ne mugikola.

1 **v26** Omutima omugya (nga ogwa Yesu)
•Abaruumi 6:6 & 11

2 **V25** Okukunaazako obukyafu bwo bwonna (n'obutukirivu bwa Yesu)
•2 Abakkolinso 5:21
•Abakkolosaayi 2:13-14

3 **V27** Okukuwonya obulamu obw'okuzikirira (n'omusalaba gwa Yesu) n'okutekamu Omwoyo we Omutukuvu munda mugwe osobole okugoberera ebiragiro bye.
•Ebikolwa 20:30
•Abaebbulaniya 10:10

## 3 Esaala ey'okwenenya:

Kitange omwagalwa ali muggulu,nenenya olw'okwawukanyizibwa nawe ekibbi era nga mumanyi gange nze sisobola kudda munkolagana naawe. Nzikiriza nti wanterawo ekubbo ery'obulokozi okuyita mu mwana wo Yesu, atalina kibbi,naye nanfiririra ku musalaba okunsasulira ebanja ly'ekibbi kyange. Nzikiriza nga Yesu yazukira okuva mubafu ne mukukowoola erinnya lye mu kukiriza mukunakuwala olw'ekibbi kyange, nsaba mu ye ekirabo eky'omutima omugya, obutukirivu bwe, omwoyo we omutukuvu, okusonyiyibwa kwe okw'ekibbi, ekirabo kye eky'obulamu obutagwaawo n'amanyi g'omwoyo we omutukuvu okukyusa obulamu bwange buli lunaku.

Mulinnya lya Yesu, Amiina

Nsabye leero nga____________

## 4 Kati kiki?

•Somanga Baibuli buli lunaku. Tandikira ku Yokaana ne Zabuli ne Engero buli lunaku. Nyikiranga okubisoma. Saba Katonda akuyambe okubitegeeranga.
Bwosisinkana bino ngosoma
•ekiragiro,yayaana okukigondera
•ekibbi,kyenenye okiveemu
•ekisubizo,wesige Katonda okukitukiriza
•obwetaavu okusaba,lindamu era osabe

●Yogera ne Katonda mu saala
➥Gulumiza Katonda
➥Wenenye ebbibi byo
➥Mwebaze olw'emikisa gyakuwadde
➥Sabira nabalala
➥Sabira ebyetago byo

•Nonya bakulisitaayo banno abalokole b'oyinza okusabanga nabo n'okukunganga nabo.
•Obutayosa,kunganaga n'ekkanisa eyigiriza Baibuli
•N'abalala bategezze ebikwata ku Yesu ne Yesu byakukoledde
•Kwata nga bw'ojukira enyiriri z'omubaibuli
• N'okwongera okuyambibwa, mukyaliraganenga
Ugandamission.net/steps